**P360/3**
**LUGANDA**
LITULICA
**Paper 3**
5 August 2024
**3 hours**

**ENTEBBE JOINT EXAMINATION BUREAU**

**Uganda Advanced Certificate of Education**

LUGANDA

**LITULICA W'OLUGANDA**

OLUPAPULA OLW'OKUSATU

**Ssaawa Ssatu**

**EBIGOBERERWA**

*Olupapula lulimu* Ebitundu *bisatu* **A***,* **B** *ne* **C***.*

*Mu* Kitundu **A** *londamu ekibuuzo kimu.*

*Mu* Kitundu**B***, ddamu ebibuuzo* **bibiri (2)** *ekimu kya* ***Puloozi*** *n'ekirala kimu kiggye mu* ***Bitontome.***

*Mu* Kitundu**C** *kolamu ekibuuzo kimu kyokka.*

*Kola ebibuuzo* **bina** *(4) awamu.*

## EKITUNDU A

*Ddamu ekibuuzo* **kimu** *kyokka okuva mu* Kitundu *kino*

SSEMWANGA KIVUMBI BANTUBALAMU: ***Gw'olulambuza***

**1.** Omuvubuka yenna eyeewaddeyo okusoma olugero *Gw'olulambuza* asobolera ddala okukyuusa abalala. Kino akikola atya? *(Obubonero 25)*

**2.** "Buli lw'obeera mu nnyanja y'ebirowoozo n'ojja owulirayo bwe mubifaananya, si nakindi oluusi ebibye bikukira; olwa edda n'oguma n'obirekera Omutonzi wo anti ebibyo bibeera kituuza butuuza ku bya munno."

(i) Akatundu ako kasimbuddwa wa mu kitabo *Gwolulambuza*? *(Obubonero 02)*

(ii) Nnyanja ki ez'enjawulo ezitulagibwa mu lugero ezituusa omwogezi ku bigambo ebyo? *(Obubonero 11)*

(iii) Magezi ki g'owa abatubidde mu nnyanja y'ebirowoozo abalagibwa mu lugero? *(Obubonero 12)*

NKATA MUSA: ***Agamyuka Omutezi***

**3.** Mu mboozi ye, Nkata Musa atulaze nti obufumbo si kunaanya. Kakasa kino nga weeyambisa ebyokulabirako okuva mu lugero. *(Obubonero 25)*

**4.** "Banne baamuwa kabbo ka nseko ate nga bwe bamunenya olw'okuba n'obwongo obukutte 'ayisi.' Ku nkomerero baamugamba akeere nnyo nabo bagende bamufunire omulimu mu kkampuni mwe baali bakolera. George ne banne babiri baakeera kulinnya ttakisi n'ebatuusa ku katale e Nakasero ne batandika okuyisa amaaso mu mpapula z'amawulire era munnaabwe baamutegeeza abeere mugumiikiriza kubanga baali balina gwe balinda."

(i) George y'ani era laga ebikakasa mu katabo nti ddala yakwata 'ayisi' *(Obubonero 10)*

(ii) Banne ba George bazimbiddwa batya? *(Obubonero 04)*

(iii) Ng'oggyeeko akabbo k'enseko laga ebirala by'afuna ku banne? *(Obubonero 04)*

(iv) Omuwandiisi yeeyambisa atya emboozi ya George okukyusa obulamu bw'omusomi w'olugero *Agamyuka Omutezi*. *(Obubonero 07)*

## EKITUNDU B

*Mu kitundu kino kolamu ebibuuzo* **bibiri**. *nnamba(5) ya buwaze, ate ekirala okiggye mu Bitontome.*

## PULOOZI

**5. Soma ekitundu kino oluvannyuma oddemu ebibuuzo ebikikwatako.**

## OMUZINYI NNAKKWALE

Abaamulabako ng'azina bagamba nti Nnakkwale yali nga tazina akwenyuka. Yabeeranga Kyebando. We yazaalirwa nga Kyebando kyalo kya ntiisa. Essalambwa eryakula ne liwola eryalinga ku kibanja kya Wamala lye lyaleetako entiisa. Lyatuga embuzi okuzimala ku kyalo, n'abadongo ne batandika okuyimba nga balabula abantu nti, "Abasiba embuzi e Kyebando mwekuume essalambwa lya Wamala…"

Oba essalambwa lino lyafa lumbe, oba baaliyigga bubogo ne balitta, ggwe nange! Wabula lyafa, naye ye Kyebando n'asigala nga wa ntiisa. Nakkwale amaze kukula ne yeegunjulira okuzina n'ayatiikirira, olwo ne Kyebando n'akoma okuba ow'entiisa n'afuuka ekyalo eky'ettutumu, ekyalo ky'abazinyi. Omulembe Nnakkwale kwe yakulira ng'obuwala obuto businga kuzannya 'kufumbafumba' naye ye okufumba teyakuganza, ne yeegunjulira kubonga nje,era yali kafulu mu kubonga, anti nga yatebenkezza bw'ati enje ye ku mwaliiro, ng'ekuba eza banne zonna n'ezimalawo, yo n'esigala ng'ezina.

Okubonga enje tekyali kipya, abaana nga bonna babonga enje, naye nga ani eyakimanya nti Nnakkwale aliyitirayo naye n'afuuka omuzinyi ng'enje?!

Mu ngalabi z'olumbe lwa Makaato, bazadde ba Nnakkwale gye kyababuukirako. Baali mu nsiisira yaabwe ne bawulira nga ekiri mu kidaala kifumba mutuku, anti ng'enduulu "Waalaala...! Abawugula nga bawugula,abakungiriza bakungiriza,olwo ng'ensi yonna ekangabadde buli omu yeerwanako kufuna w'ayisa eriiso okulaba bwe gubadde. N'abazadde kyababuukako okulaba nga omwana waabwe ebbuutiti ye yali akubya abantu enduulu eyaakaleekeleeke.

Buli muzinyi abaako ekiwoomesa amazina ge. Nnakkwale ye yalina kabina nga kaamukikinala nga ak'akawuka akasaggisaggi, ako nno kaawagira nnyo amazina ge anti nga bw'akatikka waggulu olwo n'atandika okusambagala n'okuyiwaayiwa omubiri ggwe wamma ng'akirako omugunju asibye ebikuzzi! Si bangi abazina eŋŋoma endalu nga 'nnankasa' ate ne bakyukira n'eŋŋoma empombeefu nga Bakisimba-Muwogola nayo ne bagiggyamu omwasi,wabula ye Nnakkwale nga talina

ŋŋoma gy'atazina. Nga bwe yatalanga obutazi ku kimbeewo era bwatyo bwe yazinanga akakundiiri ku ŋŋoma empuunyi. Mwattu ate n'a awo n'azina Bakisimba–Muwogola ng'amazina aseetula maseetule ati naawe n'osiima.

Nga yazinye weetiiye olwo ng'eddiro yeetaaga kuzina yekka afune w'anaatabaaliza amazina ng'atabaaza engabo. Yalina akakodyo ak'okusalira e ŋŋoma mu bbanga nga yeeyambisa okugulu okwa kkono, 'be kkwa!!'ate kuno okwaddyo n'asigala ng'akucaccaliza ku ttaka. Olwo abalabi n'abakuba akafuufu.Yeeyambisanga maaso okutemya ku bagoma bayungire wali we baakutulidde, n'azinisa amaaso n'ebisigeng'ebiringa ebisamba endege; olwo n'ayawula lumu, **be kkwi!!;** e, e! olwo ensi n'aleka ng'agisse.

Amazina amadingise galimu okulimba,okuguyaaguya ate n'okukookoonya n'okusaaliza. Nnakkwale yazina amadingise n'adda ne mukati ne yeewogoma. Ng'atandise okusoya n'okudingisa,yagendanga n'atunuuliranga omuntu ng'amaaso gawoomerera ng'aba amwegwanyiza,bw'otandika okumegerera n'okubuguumirira, olwo n'akweggyako lumu n'akuvulumulira amaaso n'okuziimuula kyokka nga bw'afukula ekiwato okukirako ekiwuka kinnamatimbo. Yalina amaanyi mangi mu kiwato kye ate ng'azinisa buli katundu ku mubiri gwe. Era ku ye kwe kwava enjogera egamba nti "Amazina amayigirire gamenya omugongo." Anti Nakacwa yakutuka omugongo ng'asala eŋŋoma,so ne Muwulya bwatyo bwe yayabikira ku mbaga e Busega ng'azina ekimbalimbali nga Nnakwale bwe akizinanga.

**Ebibuuzo**

(i) Lwaki omuwandiisi anyumizza emboozi ya Nnakkwale? *(Obubonero 06)*

(ii) Nnyonnyola ebyanyumisanga amazina ga Nnakkwale. *(Obubonero 06)*

(iii) Obunyumya bw'omuwandiisi bweyolese butya? *(Obubonero 05)*

(iv) Laga amakulu g'obubonero buna obweyolekedde mu kitundu. *(Obubonero 04)*

(v) Nokolayo ebifaananyi ebyeyambisiddwa mu kitundu kino. *(Obubonero 04)*

## EBITONTOME

HUGOE. BARLOW SSEMATIMBA: ***Abooluganda Ab'enda Emu***

Londako nnamba **(6) oba (7)**

**6. Soma ekitontome kino oluvannyuma oddemu ebibuuzo.**

### ENKEESABUDDE

Nakeera nawankya eyo mu kinyowambogo
Nga njagala ndabe obudde nga tebunnakya
Neewaliriza oluggi ne ndubandula
Okwessa mu luggya nga nzenna nkukumuka
Empewo eyanfuuwa gye ndifa nnyumya
Ng'ate wabweru wakutte zigizigi!

Kyokka emmunyeenye ya Alufajjiri Nabaliwo
N'endala lukunkumuli ze nali ndabye
Ezeekweka mu bire ate ne zemululayo
Ezitemereza n'obukunkuna
Nalaba obuli okumukumu ng'obutiko obutojjera
N'obulala obunyiikuuli obutono okufa
Mba ndi ku ggulu ne mpurila ebifugula
Emmeeme be TTU!
Be KUTTU!
Kata nsambyeko!

Okwetegereza ekijja nga ye mbwa ya waka!
Ko nze Maguja Malembo lwaki ontiisizza
Maguja nga yeewuunya kiki kye ndiko
Mba nkyasamaaliride Empanga n'ewaya
Mba neetegereza ekiriwo Enkwale n'etebya
Ne mpulirayo Ettutuma muli ne nguma

Ne nzibulula amaaso ndabe ebiriwo
Nalaba kupeeruka
N'eggulu okutangaala
Kazzi bwagala kukya!
Ng'olwo eggulu lyebikkula ekikunta ky'otulo
Ng'emmambya esala kaniki w'ekiro.
Ekitangaala ky'enjuba ne kimula ne kyolesa
Kyabikkuka mpola ne kyeggyayo ne kibuna

Ebire ebyali byebase nebyambala nebibbuka
Emitwe gye nsozi ne ginekera ne gyeraga

Enjota ezaali zikuba semukiti ne zidduka
Obusiri obwali bwewaga n'amafumu ne buduma
Obuwundo n'ebinyila ne byekweka ne byekisa
Enkeesa budde ne zibaluka ne zinyumya
Zaatandika mpola oluvannyuma ne zitaba
Nga nange nkukunulayo nkumbi nkwate mu ddimwa.

**Ebibuuzo**

(i) Ani atontoma era alina kigendererwa ki mu kitontome kino? *(Obubonero 03)*

(ii) Bukodyo ki omutontomi bw'akozesezza okuzimba emisinde gy'ekitontome kino? *(Obubonero 08)*

(iii) Lwaki omutontomi asigala alojja ky'atontomako? *(Obubonero 06)*

(iv) Laga amakulu g'ebifaananyi ebyeyambisiddwa mu kitontome. *(Obubonero 08)*

**7.** Omuwandiisi w'ebitontome Abooluganda Ab'enda emu atumbula atya emirembe ng'ayita mu bitontome bye? *(Obubonero 25)*

KIZZA MUKASA: ***Omulyammere Kkoyi***

Londako nnamba **(8)** oba **(9)**

**8. Soma ekitontome kino oluvannyuma oddemu ebibuuzo.**

**ENKUBA YA JJUUZI**

Yatandika na kiddedde nno, enkuba eyo,
Nate ne kayaka ng'eneeyita, enkuba eyo,
Bwaddamu okubijja buto,lwa nkuba eyo,
Bantu baaduma mizibu, batya nkuba eyo.

Kazigizigi yakwata nnyo, lwa nkuba eyo,
Budde bwali ng'obuziba, lwa nkuba eyo,
Kibuyaga nga yakunta oyo, ku nkuba eyo,
Buli omu n'atya lw'ekijja, ky'enkuba eyo.

Yasookereza matondo,  olwo efukumuka,
Yatandika mpola mpola, ng'anti ejjirira,
N'eyala mpola mpola, wamma n'ekanya,
Mazzi ne gabuna ebyalo, wamu n'**ensaka**.

Mukoka anti yasookereza, ng'atulabula,
Nti teebe ya bulijjo eno, mpozzi bikokyo,
Mukoka bwe yakaanyaamu, ne nkulabira,
Amazzi bwe gakuŋŋaana, ku ppukupuku.

Gajjula makubo emmotoka, gye zikiibira,
Bitoogo gye gataggwa, nga wonna kijjobi,
Mmotoka ezimu zaatubira, lwa mazzi gali,
Bantu ne beeweeka ku mabega n'obugaali.

Bannakibuga nabatya, lunaku lw'enkuba,
Balina bali obwangu, mu kukola ennusu,
Baakolaakolawo amangu,obukodyo buli,
Bafune ziri ennyangu, ez'okunywa bbiya.

Baaleeta n'akaato abo, baakaggya wa kale?
Ne basaabaza abantu abo, gy'oli Wamala!
Abaakatuulamu bo nabatya, butatya ssebo,
Kwesiga Balyammere, abaweesi b'ennusu.

Nkuba ky'etaakola kw'olwo, sikijjukirayo,
Amayumba yagabambula,ag'ensenyi gali,
Emiti n'egizuumya eri,egyekulira enkaŋa,
Obwana ne babunnyulula, ng'obumu luwe!

Enkuba eyatonnya olwo, yantamya enkuba,
Buly'omu agirojja bubwe,yajonyesa nkumu,
Enkuba eyatonnya eyo, nze yansinya enkuba,
Bangi kale bakyaginyumya nti teyali nkuba!

**Ebibuuzo:**

(i) Laga engeri omutontomi gy'atutuusizza ku ntikko y'ekitontome. *(Obubonero 07)*

(ii) Obutontomi bweyolese butya mu kitontome kino? *(Obubonero 06)*

(iii) Lwaki enkuba eyo buly'omu agirojja? *(Obubonero 06)*

(iv) Ebifaananyi ebikozeseddwa biwa bubaka ki omusomi w'ekitontome kino? *(Obubonero 06)*

**9.** Nsonga ki Mukasa z'awa abasomi be ezimukyayisa abalyammere. *(Obubonero 25)*

## EKITUNDU C

MERCY MIREMBE: ***Ssemitego Omuyizzi Kkungwa***

**10.** Omusomi n'omulabi w'omuzannyo *Ssemitego Omuyizzi kkungwa* w'agumalirako ng'afunye ekifaanayiky'omuwandiisi waagwo. Nnyonnyola ekifaananyi ekyo n'ebyokulabirako. *(Obubonero 25)*



**Bikkula**

**11.** **Soma emboozi eno oddemu ebibuuzo**

**a:** O! O! waboobera ggwe. Oli kabiri ka liiri. Bukya nzaalibwa sirabanga ku mubalagavu nga ggwe.

**b:** *(Anyeenya omutwe ng'aguzza waggulu ne wansi kyenkana ng'amusaasira. Addamu okumutunuulira enkaliriza nga tamuggyaako liiso. Amumwenyera mu ngeri ey'okumuguyaaguya)*

**a:** *(Ng'atenguse, ebigambo bimubuze)* O-o-o-e, manya okutuusa enkya ya leeronnabadde ndowooza nti mu…*(yeekwatako)* Nedda, nedda si ky'ekyo,manyangateri mukazi yenna ku kyalo kyaffe, ka babe bamalayika awadaawadako okuvuganya obulungi bwo.

**b:** *(Amwenya ng'asanyusiddwa)*He..! Ggwe nno, ddamu wekkaanye.

**Ebibuuzo**:

(i) Ani yaboobera, era ani alina okuddamu okwekkaanya? *(Obubonero 02)*

(ii) Emboozi eyo esimbuddwa mu kitundu ki , era ekola etya ng'omusingi mu kweyongerayo kw'omuzannyo? *(Obubonero 13)*

(iii) Okulemwa okwekkaanya kuleetera kutya abantu okutuukibwako ebyo ebibatuukako. *(Obubonero 10)*

WAALABYEKI MAGOBA: ***Namulanda***

**12.** Obufumbo obutulagibwa mu muzannyo *Namulanda* tebukyasoboka mu mbeera y'ennaku zino. Nnyonyola ensonga ezireetera obutasoboka. *(Obubonero 25)*

**13.** "Empoza yammwe endaze nti Obuganda bwonna bwawomoggolwawomoggolwa ddaomulugube n'enkwe n'obulumba. Omulugube kye kijjulo ekinyuvu ekikologeddwamuobutwa, so nga n'enkwe gwe muliro omukume mu ssubi ekkalu. Tegutaliza lusubin'olumu!!"

". . .Ekisooka abasibe mwenna mwasaatuukira ku musingi eggwanga lyange kwe literedde. . ."

(i) Ebigambo ebyo bisimbuddwa wa mu muzannyo? *(Akabonero 01)*

(ii) Omwogezi w'ebigambo azimbiddwa atya? *(Obubonero 06)*

(iii) Lambulula embeera mu muzannyo etutuusa ku bigamboebyo. *(Obubonero 07)*

(iv) Okusaatuukira ku musingi ogwogerwako mu muzannyo kweyoleka kutya mu Uganda? *(Obubonero 07)*

(v) Biki ebilagibwa ebiddirira ebigambo ebyo? *(Obubonero 04)*